# ENDAGAANO Y'OKUKUUMA OBUWANGWA N'ENNONO

**PARIS,**
**17 MUKULUKUSABITUNGOTUNGO**
**(OKITOBBA) 2003**

Translated by
the Department of Culture and Family Affairs,
Ministry of Gender, Labour and Social Development
Republic of Uganda

October 2009

**ENDAGAANO Y'OKUKUUMA OBUWANGWA N'ENNONO**

Olukiiko Ttabamiruka olw'ekitongole ekikola ku Byenjigiriza, ebya saayansi n'ebyobuwangwa (mukiwandiiko kino oluyitibwa UNESCO) olwatuula mu kibuga PARIS mu lutuula lwalwo olwa 32, okuva nga 29 Sebutemba okutuuka nga 17 Okitobba 2003,

*Nga lwesigama* ku mateeka g'ensi yonna ku ddembe ly'obuntu naddala ku eryo eryayisibwa okugobererwa ku mateeka g'ensi yonna mu 1948, n'eddala erikwata ku byenfuna, ery'embeera y'abantu ku ddembe ly'obuntu mu by'enzikiriza n'ebyobufuzi mu 1966,

*Nga lwefumiitiriza* ku migaso gy'ebyobuwangwa n'ennono ng'entabiro mu by'obuwangwa era omusingi mu byobuwangwa ebyannamaddala nga bwe kyalambikibwa mu kiwandiiko kya UNESCO ku kukuuma eby'obuwangwa n'ennono ebya 1989, mu lulangirira lwa UNESCO ku by'obuwangwa ebyenjawulo olwa 2001 ne mu lulangirira olulala olwolukiiko olwatuula mu kibuga ISTANIBUL mu 2002 ne byakkiriziganyizibwako mu lukiiko Ttabamiruka olwaba mu 'Minisita' b'eby'obuwangwa,

*Nga lufumiituriza* ku bwa sseruganda obuliwo wakati w'ebyobuwangwa eby'ennono n'ebyobutonde,

*Nga lukakasa* nti ensi nga bweyongeramu okulera awamu, n'embeera z'abantu okyuka, nga kw'otadde n'embeera gye bissaawo ewaliriza abantu abenjawulo okwongera okuteeseganya ate n'abamu okulemererwa ddala okutegeeragana ne bannaabwe, osseeko okutya nti oboolyawo ebyobuwangwa biyinza okulagajjalirwa oba okusaanyizibwawo, naddala nga bwe watali ngeri nnunggamu ya kubikuumamu,

*Nga lumanyi* nti abantu mu nsi yonna bettanira nnyo okukuuma eby'obuwangwa ebiraga ensibuko yaabwe/ gye baava,

*Nga lutegeera bulungi* nti abantu abali awamu naddala amawanga ga Nansangwa, ebibinja by'abantun'olumu abantu kinnoomu gye bivunaanyizibwa ku kukola, okukuuma, okubeezaawo, n'okuzza obuggya eby'obuwangwa, nga bongera amaanyi mu kuyiiya n'okukuuma eby'obuwangwa ebyenjawulo,

*Nga lumanyi* ebibala enkuyanja ebivudde mu mirimu gya UNESCO mu kussaawo endagaano ez'enjawuloez'okukuuma ebyobuwangwa ebyensi yonna, naddala endagaano 1972, ekwata kukuuma obuwangwa bw'ensi yonna,

*Era nga lumannyi* nti tewannabaawo ndagaano egatta amawanga ag'enjawulo mu kukuuma bya buwangwa, nnono yaabwe n'obutonde,

*Nga lusinziira ku kuba nti endagano ze nsi yonna eziriwo kati, abisuubizo ko nebyasalibwawo ku by'obuwangwa n'obutonde zetaaga okujjuliriza nga zongerwamu obuwayiro obuggya obukwata ku buwangwa ne nnono.*

*Nga luloowooza* ku bwetaavu bw'okumanyisa naddala emigigi emito emigaso mu byobuwangwa ne nnono n'okubukuuma obutiribiri,

*Nga lusuubira* nti mu mwoyo gw'obwa Sseruganda amawanga ag'enjawulo gandibaddeko kye gawaayo wamu naago agali mu mukago gw'endagaano eno,

*Nga lujjukira* enteekateeka za UNESCO ku byobuwangwa n'ennono naddala mu kutongoza emirimu gy'amagezi amakusike mu nsi yonna,

*Nga lusinziira* ku bukulu obuli mu byobuwangwa n'ennono ng'ekimu ku bintu ebigatta abantu, okukolagana okukkaanya wamu n'okutegeeragana

*Lukakasa* endagaano eno etuukiddwako nga 17 Okitobba 2003.

## I. Ebiri Mu Ndagaano

### *Akawaayiro 1 -- Ebigendererwa By'endagaano Biri*

(a) okukuuma ebyobuwangwa n'ennono;

(b) okulaba nti tewali kuyisa maaso mu by'obuwangwa by'abantu ab'enjawulo ne ssekinnoomu;

(c) okwongera okumanyisa abantu ukuva ku mutendera ogwa wansi, ogw'eggwanga n'ogw'ensi yonna, omugaso gw'ebyobuwangwa n'ennono n'okubyenyumirizaamu;

(d) okuteekawo okukwanaganya n'okuyambagana n'nsi endala.

### *Akawaayiro 2 -- Ebinyonnyola*

Mu ndagaano eno,

1. "Eby'obuwangwa n'ennono" kitegeeza ebikolebwa ebiraga,enjogera,amagezi ag'ekikugu—wamu n'ebintu ebikozesebwa,eby'emikono,n'ebifo ebyobuwangwa bwebikwatagana—mu bitundu,abantu ab'enjawulo ate olumu ssekinnoomu bye bamanyi nti byabwe bya nnono.Eky'obuwangwa eky'ennono kino ekitambuzibwa okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala, kizzibwa obuggya buli kakedde bannyini kyo ab'enjawulo okusinziira ku butonde bw'ensi, enkolagana yaabwe n'obutonde n'ebyafaayo byabwe, kino kibayamba okumanya nti bawukana ku balala n'okwongera okubeerawo olwo nebasobola okussa ekitiibwa mu by'obuwangwa bw'abalala ne bye bayiiya. Mu ndagaano eno eby'obuwangwa n'ennono ng'ebyo bijja kufiibwakonnyo kasita bibeera nga bikkirizigannya n'amateeka g'ensi yonna ate n'ebisaanyizo mu Bantu ab'enjawulo ate nga bya nkulakulanya eya nnamaddala.

2. Ebyobuwangwa n'ennono nga bwe binnyonnyoddwa mu katundu akasooka waggulu, byeragira mu bino wammanga;

(a) Eby'obuwangwa ebyogerwa n'ebikolebwa okugeza; emirimu n'olulimi lye tterekero lye by'o buwangwa;

(b) Katemba n'emizannyo;

(c) Emikolo gy'ekinnansi, emizizo n'embaga;

(d) Endowooza n'enkozesa y'obutonde n'obwengula;

(e) Emirimu gy'emikono n'ebyobuwagwa ebikolebwa.

3. Okukuuma' kitegeeza enteekateeka egenderera okukakasa nti eby'obuwangw n'ennono, omuli ebyawula, ebiwandiiko, ebizuuliddwa, ebikuumiddwa, ebikulaakulanya, ebitumbula, okwongera mu maaso naddala nga tuyita mu kugunjula n'okusomesa olw'okusitula omutindo gw'ebyobuwangwa eby'enjawulo.

4. Amawanga ag'omukago kitegeeza amawanga agakwatibwako endagaano eno era agateeka mu nkola by'ekkiriziganyaako.

5. Endagano eno ne binakyusibwamu ekola ne ku mawanga agogerwako mu kawayiro 33, agafuuka ag'omukago mu ndagaano eno okusinziirz ku bukwakulizzo obuli mu kawayiro ako. Nolwekyo, okubeera ow'omukago kitwaliramu amawanga ago agogerwako nga bwekirambikiddwa.

### *Akawaayiro 3 -- Enkwataganya N'endagaano Endala Ez'ensi Yonna*

Tewali kintu mu ndagaano eno kisaanye kutaputibwa kiti;

(a) Okukyusa mu tteeka erya 1972 ery'okukuuma ebyobuwangwa n'ennono zaabyo, ebikkirizibwamu mu nsi yonna, era nga bikwatibwako ensonga eno obutereevu; oba

(b) Okubaako engeri yonna gye bikyusa mu ddembe ly'obwebange n'obukwakkulizo obw'ensi ez'omukago obuva mu biragiro by'ensi yonna ebikwata ku magezi ag'ekikugu oba enkozesa y'ebintu ebyobutonde bo bye balinako obwannannyini.

## II. Ebifuga Endagaano

### *Akawaayiro 4 -- Olukiiko Ttamamiruka Olwamawanga Ag'omukago*

1. Olukiiko Ttabamiruka olw'ensi ez'omukago lussiddwawo era lunaayitibwanga "Olukiiko Ttabamiruka". Olukiiko Ttabamiruka lwe lulina obuyinza/ lunaavunaanyizibwa ku ndagaano eno.

2. Olukiiko Ttabamiruka lunaatuulanga buli myaka ebiri, luyinza okutuula mu ngeri eya bulijjo nga lusazeewo oba nga lusabiddwa akakiiko ne Gavument ez'enjawulo akavunaanyizibwa ku kukuuma obutonde bw'ensi n'ennono oba kimu kya kusatu eky'amawanga agali mu mukago guno.

3. Olukiiko Ttabamiruka luneebagiranga amateeka geru naagobererwanga nga lutudde.

### *Akawaayiro 5 -- Akakiiko Akagatta Zi Gavumenti Mu Byobuwangawa N'ennono*

1. Akakiiko akamawanga ku kukuuma obutonde bw'ensi, obuwangwa n'ennono, kati akajja okuyitibwa "akakiiko", akassiddwawo mu UNESCO. Kajja kutuulangako ababaka 18 okuva mu mawanga ag'omukago nga balondeddwa amawanga gaabwe mu lukiiko Ttabamiruka amangu ddala nga endagaano eno essiddwa mu nkola okusinziira ku katundu 34.

2. Obungi bwa mawanga ag'omukago ku kakiiko bujjanga kulinnyisibwa okutuuka ku 24 amangu ddala ng'amawanga ag'omukago agali mu ndagaano eno guweze 50.

### *Akawaayiro 6 -- Okulonda N'ebisanja By'akakiiko*

1. Okulonda abakiise ku kakiiko kunaagobereranga obwenkanya nga kugenderera ebitundu by'ensi byonna okukiikirirwa kyenkanyi ate ng'obukiise bukyusibwakyusibwa.

2. Ababaka ku kakiiko kano bajja kulondebwanga amawanga ag'omukago mu lukiiko Ttabamiruka era bakole ekisanja kimu kya myaka ena.

3. Naye ekitundu kimu ky'akubiri ekya bababaka abalondeddwa mu kulonda kuno okusoose bajja kukola emyaka ebiri gyokka. Amawanga agavaamu ababaka abo gajja kukubibwako kalulu mu kulonda okusooka

4. Buli myaka ebiri, kimu kya kubiri ekyakakiiko kijja kulondebwanga bupya.

5. Olukiiko Ttabamiruka era lujja kulondangayo amawanga amalala ageetaagisa okujjuza ebifo ebinaabangaawo.

6. Tewali mukiise akiikirira nsi ye anaddangamu okulondebwa okukola ebisanja bibiri ebiddiringgana.

7. Buli nsi y'omukago ejja kulondanga abakiise baayo abalina ebisaanyizo mu biti by'obuwangwa eby'enjawulo.

### *Akawaayiro 7 -- Emirimu Gy'a Kakiiko*

Nga tewaliiwo kwekubiira ku ddembe eribaweebwa mu ndagaano eno, akakiiko kanaakolanga bino

(a) Okusitula omutindo gw’ebigendererwa by’ekibiina n’okulabirira engeri gye biteekebwa mu nkola;

(b) Okuwabula n’okuwa amagezi ku makubo agasinga obulungi mu kukuuma eby’obuwangwa n’ennono;

(c) Okutegeka n’okuwaayo eby’okukola n’embalirira yaabyo, ensimbi n’ebikozesebwa ebirala, olukiiko Ttabamiruka olunaabiyisa nga bwe kirambikiddwa mu katundu 25;

(d) Okunoonya amakubo aganaayongera ku bintu byako eby’obwannannyini, nokuteekawo enkola eneesobozesa kino, nga bagoberera akawaayiro-25;

(e) Bateekwa okutegeka enkola ezinaagobererwa okussa mu nkola ebyasalwawo ate n’okubiwaayo mu lukiiko Ttabamuruka bikakasibwe;

(f) Okwekenneenya n’okufunza Alipoota eziweebwayo ensi ez’omukago nga bategeka olukiiko Ttabamiruka, Nga bwe kirambikiddwa mu kawaayiro 29;

(g) Okwekenneenya ebintu ensi ez’omukago bye ziba zisabye nga zisinziira ku nkola eba eteereddwawo era ne bikakasibwa olukiiko Ttabamiruka ku lwa:

(i) Okussibwa ku lukalala lwebisabibwa ebyogeddwako mu buwaayiro16, 17, 18;

(ii) Entegeka y’ensi yonna ey’okugaba obuyambi nga bwe kirambikiddwa mu kawaayiro 22.

***Akawaayiro 8 -- Enkola Y’emirimu Mu Kakiiko***

1. Olukiiko Ttabamiruka lwe lufuga era lwe luvunaanyizibwa ku kakiiko. Byonna ebikolebwa N’ebisalibwawo akakiiko biteekwa okutegeezebwako olukiiko luno.

2. Akakiiko kajja kwekoleranga amateeka ag’okugoberera era nga gateekwa okukkiriziganyizibwako bibiri bya kusatu ebyabakiise mu lukiiko.

3. Nga waliwo obwetaavu, akakiiko kayinza okusalawo ku bantu oba ebitongole, bye kaneebuuzangako okusobola okutuukiriza emirimu gyako, naye nga si kya nkomeredde.

4. Akakiiko nga katudde, ka ddembe okuyita abantu, ekibiina, ekitongole, oba abantu kinnoomu, abalina obumanyirivu mu by’obuwangwa n’ennono okubeebuuzaako ku nsonga ezitali zimu.

### *Akawaayiro 9 -- Okusembebwa Kw' Ebitongole Ebiwi By'amagezi*

1. Akakiiko nga kakozesa obusobozi bwe kalina mu bintu by'obuwangwa n'ennono ke kanaasembanga ebibiina ebitali bya Gavumenti eri olukiiko Ttabamiruka.

2. Akakiiko kano era ke kanaawanga ebisaanyizo oba enkola y'okusiima okwo.

### *Akawaanyiro 10 -- Eggwandiisizo*

1. Akakiiko kanaayambibwangako ebitongole byonna eby'olukikiiko Ttabamiruka (n'akakiiko) wamu n'okuteekateeka ebinaateesebwangako wamu n'okukakasa nti ebisaliddwawo byonna biteekebwa mu nkola.

2. Eggwandiisizo lyelinaabaganga eby'okuteesaako mu lukiiko Ttabamiruka era lye linaabanga n'obuvunaanyizibwa okulaba ng'ebisaliddwawo biteekebwa mu nkola.

## III. Enkuuma Y'eby'obuwangwa N'ennono Ku Mutendera Gwa Buli Nsi

### *Akawaayiro 11 -- Obuvunaayizibwa Bw'amawanga Ag'omukago*

(a) Okuteekawo embeera eneesobozesa okukuuma eby'obuwangwa n'ennono ebiri mu matwale gaalyo.

(b) Okusinziira ku byokukola ebyogeddwako mu kawaayiro akookubiri, akatundu akookusatu nga bigenderera okukuuma eby'obuwangwa n'ennono, eggwanga lijjanga kwegatta n'obukiiko, ebibiina, ebya Gavamenti ne bitali okunyonnyola ebintu by'obuwangwa eby'enjawulo ebiri mu ggwanga eryo.

### *Akawaayiro 12 -- Enkalala Z'ebyobuwangwa N'ennono*

1. Olw'okukakasa okuzuula ekibagatta olw'ekigendererwa eky'okukuuma, ebyawula ensi emu ku ndala, buli nsi ey'omukago mu ngeri yaayo ejja kuteeka wo enkalala z'ebyobuwangwa n'ennono ebiri mu ttwale lyayo. Enkuluze zino zijjanga kuzzibwa buggya oluvannyuma lw'ekaseera ekogere.

2. Buli nsi lweneewangayo alipoota yaayo mu kiseera ekigere ng'esinziira mu kawaayiro 29 ejjanga kuwaayo ebyetaagisa ku nkuluze eyo.

### *Akawaayiro 13 -- Engeri Endala Ez'okukuumamu Ebyobuwangwa*

Okukakasa nti ebyobuwangwa n'ennono bikuumibwa, bikulaakulanyizibwa era ne bitumbulwa mu ttwale mwe biri, buli nsi ya mukago ejja kufub:

(a) Okuteekawo enkola eruubirira okukulaakulanya eby'obwawangwa n'ennono ate n'okukakasa nti enkola eno eteekebwa buteerevu mu ntegeka z'ebikolebwa.

(b) Okuwa obuyinza oba okussaawo ekitongole ekirina obusobozi okukuuma eby'obuwangwa ebiri mu nsi eyo ey'omukago.

(c) Ku lwekigendererwa ky'okukuuma eby'obuwangwa naddala ennono ebiyinza okusaanyizibwawo, buli nsi esaanye okuwagira enkola za saayansi, emirimu gy'emikono, n'ebyokunoonyereza.

(d) Esse mu nkola amateeka, engeri ebintu gye bikolebwamu, enfuga n'enkwata y'ensimbi ebigenderera:

(i) Okutondawo oba okwongera amaanyi mu bitongole ebitendeka n'okumanyisa abantu enkwata y'ebyobuwangwa, ng'eyita mu nkunggaana oba emikutu egiba giteekeddwawo;

(ii) Okukakase nti obubaka obukwata ku by'obuwangwa butuuka ku bantu naye ate nga bassaamu ekitiibwa engeri ezibaddewo gye zibadde zitambuzaamu eby'obuwangwa;

(iii) Okusssawo ebitongole ebikuuma ebiwandiiko by'ebyobuwangwa ate n'enkola eyamba abantu okubijjamu omuganyulo.

### *Akawaayiro 14 -- Emmangula N'okumanyisa Abantu*

Buli nsi ey'omukago ejja kusalanga amagezi gonna g'esobola oku

(a) kakasa ng'eby'obuwangwa ebyennono mu kitundu kyabwe bimanyibwa, bissibwamu ekitiibwa ate by'ongerwamu amaanyi nga bayita mu:

(i) Kusomesa n'okumanyisa nga beeyambisa emikutu gy'amawulire nga giruubirira abantu bonna n'okusinga abakyali abato;

(ii) Kussaawo emisomo egiri ku mulamwa ogwo gwennyini mu bantu bonna be kikwatako;

(iii) Kutegeka ebyokukola ebiwa abantu obusobozi okukuuma n'okulabirira ebyobuwangwa n'ennono naddala mu kubifuga obulungi n'okukubiriza okubinoonyerezaako okwekikugu era;

(iv) Engeri y'okutambuzaamu ebyamagezi mu mbeera etegoberera nnyo bukwakkulizo.

(b) Okutegeeza abantu ba bulijjo akabi akoolekedde eby'obuwangwa era bategeere bulungi ebigenda okukolebwa mu ndagaano eno.

(c) Okukulaakulanya ebisomesebwa ebikwata ku bifo eby'obutonde n'ebyo ebirimu ebijjukizo bye'obuwangwa eby'ennono.

### *Akawaayiro 15 -- Ennetabamu Y'abantu*

Buli nsi ey'omukago bweneebanga etegeka eby'okukola ebikwantegana n'okukuuma eby'obuwangwa, ejja kufubanga okussa mu bufuzi bwayo ebitundu, ebibiina ate ne we kyetaagisiza abantu ssekinnoomu abeenyigira mu kukuuma, okulabirira n'okuyigiriza abalala ebikwata ku by'obuwangwa.

## 1V. Enkuuma Y'ebyobuwangwa Ku Mutendera Gwensi Yonna

### *Akawaayiro 16 -- Olukalala Lw'ebyobuwangwa N'ennono Ebirondobemu*

1. Olwokukakasa nti eby'obuwangwa ebirabikako weebiri n'okussa amaanyi mu nteeseeganya ku kussa ekitiibwa mu buwangwa obutali bumu, buli nsi evunaanyizibwa okuteeka mu buwandiike olukalala lw'eby'obuwangwa ebikwata ku bantu ate lukumiibwe butiribiri ng'ensi eyo bweneeba esabye.

2. Akakiiko kajja kubaganga ekiwandiiko ku ngeri gye kanaakozesanga okukola olukalala lw'ebyobuwangwa, okulukuba mu kyapa, n'okuluzza obuggya ate kakiweeyo mu lukiiko Ttabamiruka olujja okukiyisa.

### *Akawaayiro 17-- Olukalala Lw'ebyobuwangwa N'ennono Ebiri Mu Katyabaga*

1. Nga bagenderera okuteeka mu nkola enkuuma y'ebyobuwangwa esaanidde akakiiko kajja kuwandiikanga olukalala lw'ebyobuwangwa n'ennono ebyetaaga okukuuma mu bwangu ng'ensi eyo bweneeba esabye.

2. Akakiiko kanaawangayo mu lukiiko Ttabamiruka enkola gye kanaabanga kakozesezza okuwandiika n'o kuzza obuggya olukalala lwe by'obuwangwa n'ennono.

3. Singa wabaawo obwetaavu bw’okukikola amangu enkola eneeba esinziddwako, akakiiko kanaayongerangamu akawaayiro akakwata ku ky’obwangwa ekinaaba kyogeddwako kissibwe ku lukalala olwogeddwako kyokka era nga keebuuza ku nsi eneebanga ekwatibwako.

### *Akawaanyiro 18 -- Enteekateeka, Pulojekiti N’ebyokukola Mu Ku Kuuma Eby’obuwangwa N’ennono*

1. Ngensi ez’omukago zisinziira ku nteekateeka ezinaabanga ziweereddwayo ensi kinneemu era nga kagoberera emitendera egyateekebwawo akakiiko ne giyisibwa olukiiko Ttabamiruka, abaakakiiko bajja kulondangayo emirimu, nga gya ggwanga lyonna, oba gya kitundu ekimu mu ggwanga egikwata ku kulabirira eby’obuwangwa, eginaabanga gisinze okutuukira ku bigendererwa n’omulamwa gw’endagaano eno nga kalowooza naddala ku mawanga agakyakula.

2. Mu ngeri eno, akakiiko kajja kufunanga, keekenneenye kalyoke kayise okusaba kw’ensi ez’omukago.

3. Olw’okutuukiriza enkola eyo akakiiko kanaagattangako okusaasaanya enkola ze kanaabanga kasazeewo ngezisinga obulungi

## V. Enkolagana N’obuyambi Obw’ensi Yonna

### *Akawaayiro 19 -- Enkolagana*

1. Ku lw’olukiiko olwawamu, enkolagana y’ensi yonna eneebangamu bino: okuwanggana amagezi n’obumanyirivu, ebiyiiye, ebikoleddwa awamu ate n’enkola yensi ez’omukago okuyambagana mu kulafuubana okukuuma eby’obuwangwa n’ennono byazo.

2. Nga tewali kwekubiira ku mateeka wadde obuwaayiro obuliwo mu mateeka amafuzi n’ago ag’ennono, oba ku nkola eziriwo, ensi zonna ez’omukago zikkiriza nti okukuuma eby’obuwangwa n’ennono kisanyusa mu bantu era olw’ensonga eyo zeewaddeyo okukolagana n’ensi ku mutendera ogw’omuliraano, ogw’esudde ate n’ogw’ensi yonna.

### *Akawaayiro 20 -- Ebigendererwa By’obuyambi Obuva Mu Mawanga Ag’ebweru*

Obuyambi obuva mu nsi yonna buyinza okuweebwa ku lw’ebigendererwa bino:

(a) Okulabirira n’okukuuma eby’obuwangwa ebiteekeddwa ku lukalala lw’ebyo ebyetaaga okudduukirirwa mu bwangu ennyo;

(b) Okuteekateeka enkalala n’ebiwandiiko ebyogerwako mu buwaayiro 11 ne 12;

(c) Okuyamba ku nteekateeka, emirimu n’ebikolebwa mu bitundu ne mu nsi eziriraanaganye nga ziruubirira okulabirira n’okukuuma eby’obuwangwa n’ennono;

(d) Omugaso omulala gwonna akakiiko gwe konaalabanga nga gwetaagisa.

***Akawaayiro 21 -- Engeri Z’obuyambi Obuva Mu Mawanga Ag’ebweru***

Obuyambi akakiiko bwe kanaawanga ensi ey’omukago bunaakozesebwanga nga bugoberera enkola erambikiddwa mu kawaayiro 7 n’endagaano eyogeddwako mu kawaayiro 24 era eneekolanga ku mbeera nga zino:

(a) Okunoonyereza ku ngeri ez’enjawulo ez’okulabirira n’okukuuma;

(b) Okuwangayo abakugu;

(c) Okutendeka abakozi abeetaagisa;

(d) Okunyonnyola omutindo ogunaakuumibwanga ne nkola endala;

(e) Okuteekawo n’okuddukanya ebifo omukolerwa emirimu;

(f) Okuwaayo ebikozesebwa n’obukugu;

(g) Obuyambi obulala bwonna obw’ensimbi n’obukugu nga mwotwalidde n’okugaba ku mabanja agataliiko nnyo magoba mangi bwe kiba kyetaagisizza.

***Akawaayiro 22 -- Obukwakkulizo Obufuga Obuyambi Obuva Mu Mawanga Ag’ebweru***

1. Akakiiko kannassangwawo enkola ey’okwekenneenya ebisaanye okubeera mu kusaba obuyambi olwo enkola ezitegekeddwa okukozesebwa mu kubbulula ebyobuwangwa nembalirira y’ensimbi ezeetaagisa.

2. Nga waguddewo obuzibu obutalaze akakiiko kajja kwekenneenyanga okusaba kuno awatali kulinda.

3. Nga akakiiko tekannasalawo ku nsonga yonna, kaneebuuzanga era ne kayita mu bibeera bizuuliddwa bye kalowooza nti byetaagisa.

### *Akawaayiro 23 -- Okusaba Obuyambi Okuva Mu Mawanga Ag'ebweru*

1. Buli nsi ey'omukago esobola okusaba obuyambi obwokukuuma ebyobuwangwa byayo n'ennono okuva mu nsi yonna ng'eyita mu kakiiko

2. Okusaba kuno kusobola okusabibwa ensi bbiri oba okusingawo nga zeegasse.

3. Okusaba kunaabangamu ebintu ebyogeddwako mu kawaayiro 22 akatundu akasooka nga kuliko n'ebiwandiiko ebyetaagisa.

### *Akawaayiro 24 -- Obuvunaanyizibwa Bw'ensi Ez'omukago Ezifunye Obuyambi*

1. Nga tusinziira ku bisaliddwawo mu ndagaano eno obuyambi obunaaweebwanga ensi ez'omukago bujja kukozesebwa nga bugoberera endagaano eneebanga ekoleddwa wakati wakakiiko n'ensi eyambiddwa.

2. Ng'etteeka eryawamu erikwata ku nsi ey'omukago eneeganyulwanga mu buyambi okuva mu nsi yonna ngesinziira ku nfuna yaayo, eneebangako omutemwa gw'eneewangayo ku mulimu gw'o kulabirira eby'obuwangwa n'ennono ensawo y'ensi yonna gw'eneebanga etaddemu ensimbi.

3. Ensi ey'omukago eyambiddwa eneeteekwa okuwangayo alipoota eri akakiiko ng'eraga enkozesa y'obuyambi bwonna obugiweereddwa okulabirira eby'obuwangwa n'ennono.

## VI. Ensawo  Ekola Ku Byobuwangwa N'ennono

### *Akawaayiro 25 -- Ebikola Ensawo*

1. Mu kiwandiiko kino, ensawo eteereddwawo okukuuma eby'obuwangwa n'ennono ejjanga kuyitibwa 'ensawo'.

2. Ensawo ejja kubeerangamu ensimbi enzibizi ezinaateekebwawo okusinziira ku mateeka agafuga eby'ensimbi aga UNESCO.

3. Ensimbi z'ensawo eno zinaavanga mu:

(a) Emitemwa eginaaweebwangayo ensi ez'omukago;

(b) Ensimbi ezinassibwangawo olukiiko Ttabamiruka olwa UNESCO;

(c) Ensako, ebirabo n'obuyambi ebinaaweebwangayo:

(i) Ensi endala;

(ii) Ebitongole n'entegeka ezigobererwa amawanga amagatte naddala "Entegeka Eyawamu Ey'okukulaakulanya Amawanga amagatte (UNDP) n'ebitongole ebirala eby'ensi yonna;

(iii) Ebitongole bya bonna oba ebyabalondemu ebyetongodde oba abantu kinnoomu;

(d) amagoba gonna aganaava mu nsimbi eziri mu nsawo;

(e) ensimbi ezinaakunggaanyizibwanga n'ezo ezinaavanga mu mikolo egitegekeddwa okuwagira ensawo eno;

(f) eby'obugagga ebirala byonna ebinaabanga biyisiddwa mu mateeka agafuga ensawo nga biteekeddwateekeddwa akakiiko.

4. Engeri akakiiko gye kanaakozesangamu ensimbi ejja kugobereranga enkola eneebanga eteekeddwawo olukiiko Ttabamiruka.

5. Akakiiko kanaayinzanga okukkiriza obuyambi obw'engeri zonna okusoloozebwa okukola emirimu egy'enjawulo egikwata ku ntegeka ezinaabanga zisaliddwawo singa okusaba kwo kunaabanga kukakasiddwa akakiiko.

6. Ensimbi ezisondebwa okuteekebwa mu nsawo teziiteekebwangako bukwakkulizo bwa bya bufuzi yadde obw'ebyenfuna oba obulala bwonna obutakwatagana na bigendererwa bya ndagaano eno.

### *Akawaayiro 26 -- Emitemwa Gy'e Nsi Ez'omukago Ku Nsawo*

1. Nga tugyeko obuyambi obusingawo ensi bweyinza okuwaayo nga yeeyagalidde, ensi zonna ezassa omukono ku ndagaano eno ziteekwa okusasula omutemwa ogwenkana nga bwe gunaabanga gusaliddwawo olukiiko Ttabamiruka. Okusalawo kw'o lukiiko Ttabamiruka kujjanga kuzingiramu ensi ez'omukago ezisinga obungi ezinaabangawo n'okulonda nga tezinnasalawo ku kirango ekyogerwako mu katundu 2 ak'akawaayiro kano. Tewali ngeri yonna ensi ey'omukago lweneesasuzibwanga omutemwa ogusukka ku 1% ku ezo zeewaayo mu nsawo ya UNESCO.

2 Kyokka, buli nsi eyogeddwako mu kawaanyiro 32 oba mu kawaayiiro 33 ake'ndagaano eno mu kiseera ky'okuwaayo omutemwa era zisseeko omukono zirangirire nti zo tezisibibwa tteeka lyogeddwako mu katundu akakawaayiro kano.

3 Singa ensi ey'omukago eneemalanga okukola ekirango ekyogeddwako mu katundu 2 akakawaayiro kano, ate neeyagala okubivaamu eneetegeezangako omukungu ow'okuntikko owa UNESCO. Kyokka, ensi esabye okubivaamu tejjanga kukkirizibwa, kino tekijja kukwata ku nsimbi ensi eyo ze yasonda okutuusa ng'olukiiko Ttabamiruka oluddako lutudde.

4. Olw'okusobozesa akakiiko okutegeka eby'okukola obulungi, ebyasondebwa ensi ez'omukago eziri mu ndagaano ate nga zaakoze ekirayiro ekyogeddwako mu katundu 2 akaakawaayiro kano, zinaasasulanga ensimbi buli myaka ebiri ezibulako katano okwenkana ensi eyo ze yandisasudde singa akatundu 1 akaakawaayiro kano kaali kagikwatako.

5 Ensi kinneemu ey'omukago eneesangibwanga ng'ebanjibwa emitemwa gyayo gibe egy'obuwaze oba emyesiimire egy'omwaka ogwakayita, tejjanga kutwalibwa nga nnakibiina. Kino tekikolenga ku nsi ebeera yaakolondebwa omulundi ogusoose. Kasita akakiiko kanaatuulanga okulonda nga bwekirambikibwa mu kawaayiro 6 olwo ng'ensi eyo egyibwako obutuuze ku kakiiko. Ekisanja ky'ensi ebadde ku kakiiko kinaggwangako nga waliwo okulonda okwogeddwako mu kawaaayiro 6 ak'endagaano eno.

### *Akawaayiro 27 -- Obuyambi obwa Kyeyagalire Okwongereza Ku Nsawo*

Ensi kinneemu ezinaabanga zisazeewo okuwaayo kyeyagalire obuyambi, nga zongereza ku mutemwa guli ogulambikiddwa mu kawaayiro 26 zinaategeezanga akakiiko, amangu ddala nga bwe kisoboka, kikasobozese okuteeketeeka obulungi emirimu gyako.

### *Akawaayiro 28 -- Okusonda Ensimbi Okuva Mu Nsi Yonna*

Ensi ez'omukago zijja kuyambangako nga bwe zisobola, okuwagira emikolo gyonna egy'okusonda nga gya kuyamba ku 'nsawo' nga UNESCO y'evunaanyizibwa.

## VII. Alipoota

### *Akawaayiro 29 -- Alipoota Eziva Mu Nsi Ez'omukago*

Ensi ez' omukago zinaawangayo alipoota ezikwata ku mateeka gaazo byezisazeewo olw'okussa mu nkola ebiteeseddwako mu ndagaano, eri akakiiko mu biseera akakiiko bye kanaabanga kageze.

### *Akawaayiro 30 -- Alipoota Za Kakiiko*

1. Ensi ez'omukago ezoogeddwako mu kawaayiro 29 zinaawangayo alipoota zaazo eri akakiiko okusinziira ku bye zinaabanga zikoze era akakiiko kanaaziwangayo buli lukiikoTtebamiruka lwe lunaatuulanga.

2. Alipoota eno eneeweebwangako olukiiko olufuzi olwa UNESCO.

## VIII. Akatundu Ku Nsenvula

### *Akawaayiro 31 -- Enkwataganya N'ebyalangirirwa Mu Lubu Lwa Amagezi Amakusike Ag'eby'obuwangwa N'ennono*

1. Akakiiko kanaakwataganyanga olukalala lw'ebyobuwangwa n'ennono oluweereddwayo n'ebyobuwangwa ebyatongozebwa "eby'amagezi amakusike" ng'endagaano eno tennassibwa mu nkola.

2. Enkwataganya y'ebintu ebyogeddwako mu lukalala olukiikirira eby'obuwangwa n'ennono terina weeneesigamwako kulamula binaasalibwangawo n'okuwandiikibwa nga byesigamizibwa ku kawaayiro 16 akatundu 2.
3. Endagaano eno bweneeba etandise okukola wanaaba tewakyali kwerangirira kulala.

## IX. Obutundu Obusembayo

### *Akawaayiro 32 -- Okussaako Emikono*

1. Ekiwandiiko nga kimaze okuteekebwako emikono kinaakwasibwanga omukungu omukulu owa UNESCO.

*2.* Ebiwandiiko ebinaakozesebwanga mu kulagaana, okukkiriza oba okukakasa binaaweebwangayo eri senkulu wa UNESCO.

### *Akawaayiro 33-- Okukkiriza endagaano*

1. Endagaano eno eneekkiriza buli nsi etali mu lukiiko lwa UNESCO kasita eneeberanga ng'eyitiddwa olukiiko Ttabamiruka olwa UNESCO okulwegattako.

2. Endagaano eno eneekkirizanga n'amawanga gonna kasita gabeera nga galina enfuga ey'okwefuga gokka ng'ekkirizibwa ekibiina ky'amawanga amagatte wadde nga tegannafuna bwetwaze ng'obwogerwako mu lukiiko Ttabamiruka akatundu 1514 (xv),

era nga galina obusobozi okutuukiriza enkola eno era nga gasobola n'okweteera emikono ku ndagaano ezikkirizibwa okugyegattamu.

3. Ekiwandiiko ekigakkiriza okwenyigira mu ndagaano eno, kinaakwasibwanga omukungu omukula owa UNESCO.

### *Akawaayiro 34 -- Entandikwa Y'okukola Kw'endagaano*

Endagaano eno eneetandikanga okukola nga wayise emyezi 3 okuva ebiwandiiko by'ensi kinneemu lwe biweebwayo mu lukiiko Ttabamiruka, Naye ensi endala yonna eneebanga eruddewo okuwaayo ebiwandiiko olunaku ne luyita, olwo ensi zinaayingizibwanga nga wayise emyezi esatu okuva wonna we ziweereddeyo ebiwandiiko byazo.

### *Akawaayiro 35 -- Enkola Y'endagaano Mu Nfuga Eya Federo*

Ebyogeddwako wammanga binaaba bikwata ku nsi ez'omukago ezirina enfuga eya Federo oba eyo etalii ya Nnaasiwamukange:

(a) Nga beeyambisa endagaano eno mu kutuukiriza emirimu gyabwe, amateeka gonna agali mu ssemateeka w'ensi kinneemu gajja kweyambisibwa mu ngeri y'emu nga ey'ensi ezo ezitakozesa nfuga ya Federo;
(b) Mu kweyambisa endagaano eno, ensi kinneemu, oba ebitundu byayo ebimu bijja kukozesanga obuyinza obuziweebwa mu ssemateeka newandibadde nga teziwalirizibwa ssemateeka w'ensi ez'omukago kukozesanga ebyo ebyakkiriziganyizibwako okusobola okussa mu nkola ebyo byonna ebizisuubirwamu.

### *Akawaayiro 36 -- Okwegaana endagaano*

1. Ensi yonna ey'omukago ya ddembe okwekutula ku ndagaano eno.

2. Okwekutulako kuno kunassibwanga mu buwandiike ne kuweebwa omukungu wa UNESCO ow'okuntikko.

3. Wanaamalanga kayita myezi 12 okwekutulako kuno ne kukkirizibwa. Wadde ng'ensi ewaddeyo okusaba kwayo, ekyo tekigigaanenga kusasula mitemwa gyonna egigibanjibwa okutuusa ku lunaku okwekutulako lwe kukkirizibwa.

### *Akawaayiro 37-- Obuvunaanyizibwa bw'okutereka ebiwandiiko*

Omukungu ow'okuntikko owa UNESCO (Director General), yalina obuvunaanyizibwa ku kutereka ebiwandiiko by'endagaano eno, anaategeezanga ensi kinneemu ezikkiririza mu ndagaano eno, n'ensi ezitali mu ndagaano naye nga zikolagana nga bwe kirambikiddwa mu kawaayiro 33, n'ekitongole ky'amawanga amagatte okusaba kwonna nga bwe kwogerwako mu buwaayiro 32 ne 33 ate n'olwokusobola okwekutulako nga bwe kwogerwako mu kawaayiro 36.

### *Akawaayiro 38 -- Okukyusa Mu Ndagaano*

1. Ensi ey'omukago eneesobolanga okuwandiikira omukungu ow'okuntikko owa UNESCO ngesaba wabeewo okukyusakyusa mu Ssemateeka. Omukungu ono okusaba kuno anaakuweerezanga eri ensi zonna ze kikwatako. Oluvannyuma lw'e myezi 6, singa kimu kya kubiri mu nsi zino oba okusingawo, ziddamu nga zisemba oky'okukyusaamu olwo omukungu ono anaawangayo okusaba kuno mu lutuula olw'olukiiko Ttabamiruka oluddako, bakiteeseeko n'okukiyisa.

2. Ebinaakyusibwa okuyitamu biteekwa okuba nga biwagiddwa bibiri bya kusatu eby'ensi ez'omukago ezinaabanga zitudde mu lukiiko nga ziyita mu kalulu.

3. Bwe kinaabanga kuyisiddwa kijjanga kuddamu okuweerezebwa ensi ez'omukago okukimanya n'olwokukitegeera.

4. Ebikyusiddwamu ne bikkirizibwa era ne bikakasibwa bibiri bya kusatu eby'ensi ez'omukago, binaatandikanga okussibwa mu nkola oluvannyuma lw'emyezi esatu ng'ensi zimaze okuwaaayo ebiwandiiko ebyogeddwako mu katundu 3 ak'akawaayiro kano. Oluvannyuma ebikyusiddwa bijja kufuuka tteeka eri buli nsi eyassaako omukono era litandike okukola mu myezi esatu okuva ku lunaku ensi lweba ewaddeyo ebiwandiiko byayo ebikakasa enkyukakyuka eyo.

5. Enkola eteereddwawo mu butundu 3 ne 4 obwakawaayiro kano tezikwata ku kawaayiro 5 akoogera ku muwendo gw'ensi eziri mu kakiiko. Ezo enkyukakyuka lwe ziyisiddwa era lwe zitandika okussibwa mu nkola.

6. Ensi yonna kinneemu efuuka ey'omukago eneeyingiranga mu ndagaano eno ng'emaze okukyusibwakyubwamu nga bwe kyogerwako mu katundu 4 akaakawaayiro kano, kasita eneebanga nga tewakanyizza eneesuubirwanga:

(a) okuba nti ekkiriziganya n'e ndagaano eno nga bwe yakyusibwakyusibwamu; ne

(b) okuba nti ekkiririza mu ndagaano nga bwe yali nga tennakyusibwakyusibwamu.

### *Akawaayiro 39 -- Ebiwandiiko Ebikkiririzibwamu*

Endagaano eno ewandikiddwa mu; Luwalabu, Lukyayina, Olungereza, Olufalansa, Olulasa, ne Olusipeyini. Wabula ebiwandiiko byonna byenkana mu buyinza.

### *Akawaayiro 40 -- Okuwandiisa endagaano*

Nga bwe kirambikibwa mu kawaaayiro 102 ak'ekitongole ky'amawanga amagatte, endagaano eno ejja kuwandiisibwa mu ggwandiisizo ly'amawanga amagatte, ng'omukungu ow'okuntikko owa UNESCO bwaba asabye.